# Mobile Money zassiddwaako omusolo omupya?

**BUUZA KAMISONA**

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.






Akulira URA, Musinguzi.

**Kituufu nti waliwo omusolo gwe mwateekawo gwe muggya ku ba ajenti ba mobile money, kuba bwe tuba tusindika ssente kati batuggyako ssente mbu musolo mupya.**

Ajenti wa Mobile Money aggyibwako omusolo ku nnyigiza ye (commission) gwa bitundu 10 ku 100 (10%) nga zino zimuggyibwako kkampuni y'essimu gy'akolera, olwo kkampuni eyo n'eguweereza eri URA buli mwezi.

Ku luuyi olulala, omusolo oguggyibwa ku kuweereza ensimbi okuyita ku mobile money gwa bitundu 15 ku 100 (15%) ku zikuggyibwako ez'okusindika n'okuggyayo ensimbi.

**Deo Ssebuliba; Ssinga nneesanga mu mbeera nga nsasula bulungi emisolo naye ne nfunamu obuzibu nga sirina ssente zimazaako mwana wange ku yunivasite, mulina engeri gye muyinza okunnyambamu?**

Mwami Ssebuliba, nkwebaza okuba n'obuvunaanyizibwa bw'okusasula omusolo mu budde. Tukakasa nti mu bannaffe abawi b'omusolo mulimu abalina okusoomoozebwa ku nsonga z'ensimbi ez'enjawulo. Mu mbeera eno, osobola okwogerezeganya ne yunivasite ku nsonga z'ebisale olabe oba osobola okuyambibwa n'osasula mu bitundutundu ng'omwana bw'asoma.

**Fred Mayanja e Kijabijo; URA ekkirizibwa okuyimiriza emmotoka ku nguudo okuziggyako omusolo?**

Mwami Mayanja, emmotoka naddala ënneetissi z'ebyamaguzi ziteekeddwa okusasula omusolo ogumanyiddwa nga Advance Income Tax okusinziira ku buzito bwe zeetikka. Omusolo guno gusasulwa omulundi gumu mu mwaka. Emmotoka bw'eba tesasudde musolo ogwo, ebikwekweto bikolebwa ne gubanjibwa. Mu ngeri endala, emmotoka ezisaabaza abantu okugeza ttakisi, bbaasi n'endala, zisasula omusolo guno mu kiseera layisinsi zaazo we ziddizibwa obuggya.

**Njagala kumanya lwaki emmaali yange bwe bagikwata ne bagitwala e Nakawa, ne bwe nsasula era kitwala ebbanga okugimpa oluusi n'etuuka ng'ebimu byononese?**

Ensonga ezitwaza emmaali e Nakawa za njawulo okuli okwanjula omuwendo gw'ebyamaguzi omutono okusinziira ku by'olina, ekiviirako okusasula omusolo omutono. Emmaali yo bw'etwalibwa e Nakawa n'omaliriza ensonga z'okusasula omusolo, nkusaba ogigoberere, okusinga ensonga zonna okuzirekera ajenti w'omusolo gwa Kasitomu. Oluvannyuma lw'okusasula omusolo n'okutuukiriza obukwakkulizo bwonna, teri nsonga lwaki emmaali yo eba erwa e Nakawa.

**Njagala okumanya omusolo gwa Import Duty ogw'ebintu eby'enjawulo, kinnyambe okutegeera omusolo omutuufu gwe nteekeddwa okusasula nga sinnatandika kusuubula bweru w'eggwanga?**

Bw'oba oyagala okumanya embala y'omusolo ku bintu eby'enjawulo by'oyingiza eggwanga, kyalira ekibanja kyaffe ku www.ura.go.ug, onyige ku Imports and Exports. Oluvannyuma ononoonye awali Customs Valuation nga wano w'olambikirwa ku ngeri gye tuggya omusolo ku byamaguzi eby'enjawulo.

## Lwaki omusolo ku bintu bye tusuubula ebweru w'eggwanga gubalibwa mu doola?



Doola za America.

**Lwaki omusolo ku bintu bye tusuubula ebweru w'eggwanga gubalibwa mu ddoola ng'ate ffe tubitunda mu shillings eza Uganda?**

Ddoola ekozesebwa amawanga agasinga obungi agakola bizinensi. Eno y'ensonga lwaki ne Uganda egoberera enkola eyo.

## Njawula ntya agenti wa URA omutuufu n'omufere?

**Fred Twinamasiko; Ebiseera bino abafere bangi, nnyinza ntya okwawula ajenti wa URA omutuufu ku mufere.**

Mwami Twinamasiko, okwawula ajenti w'omusolo omutuufu ku mufere, goberera emitendera gino wammanga:

- Kyalira ekibanja kya URA ku www.ura.go.ug
- Bw'otuuka ku kibanja kyaffe, tunula wansi ojja kulaba awali ekigambo, Choose an Agent ekitegeeza nti londako ajenti w'omusolo gw'oyagalaa okukolagana naye.
- Ojja kulaba awali Licensed Customs Agent, okanyigeko.
- Ojja kutwalibwa ku lukalala lwa ba ajenti, olondeko gw'okolagana naye.

Omuntu yenna eyeeyita ajenti w'omusolo nga tali ku lukalala luno, tokolagana naye okwewala abafere.

**Ssinga ajenti ambalirira omusolo ne ndaba ng'annyigiriza, nnyinza kwekubira wa enduulu ne nfuna obuyambi?**

Ajenti w'omusolo bw'akulaga omusolo gw'olina okusasula n'otomatira, weekubire enduulu eri Assistant Commissioner avunaanyizibwa ku mbalirira y'ebyamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga (Valuation) ng'ono ye mwami Henry Kwaligonza. Ojja kuyambibwa.


## Aluddewo okusasula VAT ku kizimbe assibwako engassi?

**Ssinga mbeera n'ennyumba ezipangisibwa ekitongole kya Gavumenti okugeza poliisi, ne balwawo okunsasula, nkola ntya okwewala okuweesebwa engassi n'amagoba ku kulwawo okussaamu litaani n'okusasula omusolo?**

Gavumenti yatunula mu nsonga eyo n'essaawo embeera ey'enjawulo nti ku musolo gwa VAT oguggyibwa ku bizimbe ebikolebwamu bizinensi, nga bwe weesanga ng'ekizimbe kyo kipangisibwa ekitongole kya Gavumenti kyokka ng'oluddewo okusasulwa, ossaamu litaani mu mwezi ogwo n'olaga nti Gavumenti tennakusasula nsimbi za bupangisa. Tulinda Gavumenti lw'ekusasudde olwo URA n'esuubira okugisasula omusolo, ng'enkola eno emanyiddwa nga Cash Accounting Basis.

Ku musolo ku nnyingiza y'ebipangisibwa, kisigala kikukakatako okussaamu litaani ya buli mwezi n'olaga obungi bw'ensimbi z'osuubira okuyingiza na wa gye ziva.

Bw'osasula ensimbi ezo, kikukakatako okuggyako omusolo gwa Gavumenti n'oguweereza muURA.



Ekizimbe okuli abapangisa.